

Omubaka wa Uganda mu Australia (owookuna ku ddyo) ng'ali ne bambasada okuva mu mawanga amalala.

# Ambasada Hyuha asabye ku bawala n'abakyala

Bya PONSIANO NSIMBI

OMUBAKA wa Uganda mu Australia, Dorothy Samali Hyuha asisinkanye ba Ambassada okuva mu mawanga ag'enjawulo 15 okwogera ku nsonga z'abakyala mu nsi yonna n'abasaba okusoosowaza ebigendererwa n'ebiruubirirwa by'abakyala.

Ensinsikano eno yabadde mu maka ge mu Australia nga yeetabiddwamu n'abakungu okuva ku bitebe by'amawanga ag'enjawulo wakati mu bikujjuko eby'okujaguza omwezi gw'abakyala.

Hyaha yagambye nti abaana ab'obuwala n'abakyala balina okufiibwako mu ngeri ey'enjawulo mu mawanga gonna era abakulira ebitebe bino naddala abakyala abasanye okusoosowaza ennyo ensonga ezikwata ku bakyala

Yakubirizza ba Ambassada okuva mu mawanga amalala okufaayo ku biruubirirwa by'abaana abawala n'abakyala nga batumbula ebyenjigiriza, ebyobukulembeze n'ebyenfuna.